
Nanyini katabo kano ye...




| olunaku lw'omwezi | okujumbira | omukono |
| --- | --- | --- |




| olunaku lw'omwezi | okujumbira | omukono |
| --- | --- | --- |




"Musa ne Maria,
TV mugigyeko,
esaawa
zokwebak'ekiro
zituuse."

“Naye maama,
lwaki totuleka
netwonger’okulaba?”
Musa yabuuza maama
we nga simusanyufu.

“Mwana wange”
Maama yadamu
Musa. “Okimanyi nti
ku saawa 2 ezekiro
ob’olina okwebaka.
Wewebaka otulo
otuwera ob’osoma
bulungi ku somero
enkeera.”

Kale no baana bange
musituke musenye
amanyo gamwe,
munabeko mumaaso
bwemumala mumire
edagalalyamwe.” Awo
maama yamudamu
nga’ mwenya.






“Maama,
nkubuuze
ekibuuzo?”
Maria yabuuza
maama we nge’no
bwasenya.

“Mbuuza ekibuuzo
mukwano
gwange Maria.
Kiki kyoyagala
okumbuuza?”

“Buli kiro nga
tetuneebaka
tumira edagala.
Lwaki tumira
edagala
bwetutyo?”

“Baana bange, mulina okumira edagala buli lunaku lisobole okuyamba obusirikale bwamwe.”

Musa yewunya nyo n’abuuza maama we “Obusirikale bwafe? Obusirikale bwafe bwebwaani? Nze sibulabanga ko!”




Maama yadamu Musa. “Musa kyoyogede kituufu.” “Tosobola kubulaba na’ maso go kubanga butono nyo dala.”



“Munda mumubiri gwo mulimu obusirikale buungi nyo dala. Buliwolaga ne buli kyokola bubeera wo okukukuuma.”


“Buba butukuumira ki?” Awo Maria yeyabuuza nga naye yewunyiza nyo.





Maama yatuula
wansi n'atandika
okunyonyola
Musa ne Maria
"Buli lunaku
bwemugenda
okusoma ku
somero, wabaawo
obuwuka
obw'ebika bingi
obugezako
okubalwaza.
Obusirikale
bwamwe
bwo bubeera
bulwanyisa
obuwuka buno
bulikaseera kona
era tebuwumula."

“Obusirikale bwamwe bwebulwaana nebuwangula awo namwe mubeera bulungi nga temuli balwadde.”





"Naye atte eriyo obuwuka obumu ng'obwekika ekya viruses obusobola okutta obusirikale bwamwe. Singa kino kituuka wo, obuwuka obulala bungi butandika nabwo okuwangula obusirikale bwamwe atte nebuleeta ebirwade ebilala."

“Bwemutamira edagala lyamwe bulilunaku obusirikale bwamwe butandika okuwangulwa awono nemulwala nyo.”







“Bwomira edagala lyo lyebasa obuwuka buli obuleeta ebirwade. Awono obusirikale bwo nebusobola okulwana nga tewali abuwangula. Bwomira edagala lyo kiyambira dala obusirikale bwo.”

"Naye maama nze saagala dagala lyange! Limpa otulo emisana atte linumya n'olubuto."

Maria naye yagatako nti "Nze olumu limbutula olususu atte nelimpa ne kamunguluze!"





"Baana bange, mulibatuufu! Oluusi edagala libawuliza bubi era kyemuva mulaba nti mulina okulaba abasawo abalibawa nebababakebera. Era omusawo asobola okukyusaamu ku dagala lyamwe bweliba libakoze bubi nyo."

"Abasawo bantu balungi nyo era bagalanyo abaana. Musobola okubabulira kyona kyemwaagala okubagamba."

"Katino muteekedwa okumira edagala lyamwe buligyo lisobole okuyamba obusirikale bwamwe. Omuzade nebwaaba yelabide okulikuwa olina okumugyukyiza nalikuwa."





“Naye lwaki abaana abalala tebamira dagala nga nze? Nze ndi mulwade nyo okubasinga? Oba nze ndimwawufu ku bo?”

"Abaana abamu balimira atte abalala tebeetaga limira naye abaana munsi yona beebamu tebalina nyo njawulo."



"Kasita mumira obulungi edagala lyamwe obusirikale bwamwe bugyakubakolera ebilungi bingi nyo ng'ogyeeko okubakuuma. Obusirikale bwamwe bugyakubayamba okufuuka ekyo kyona kyemwagala okubera nga mukuze."



“Kusomero obusirikale bwamwe bugyakubayamba okusoma obulungi wamu n’okukula.”




"Mukisaawe ky'omupiira obusirikale bugyakubayamba okuteeba goolo zabawanguzi."



“Bwemulimala okusomera ku matendekero agasembayo wagulu dala obusirikale nabwo buligyaguza namwe!”

Ekyo kyona kyoyagala okubeera ng'okuze, obusirikale bulikikutuusaako."

"Osanga lumu olibeera omuyimbi amanyidwa munsi zona! Awono n'obusirikale bulibeerawo okukuwagira!"






“Osanga
bw’olikula olibeera
munakatemba
owakabi! Nawo
no obusirikale
bulibanaawe
nga bakukwaata
kulutaambi!”

“Osanga lumu olikuguka mu byokuziimba ga kalina gano agatuuka mu bire!! Kwolwo era obusirikale bwo bulibeerawo okukuyamba.”





"Osanga lumu mulifumbirwa nemuzaala abaana. Bwemulifumbirwa obusirikale bwamwe buliberawo okukuuma amaka gamwe!"



"Obusirikale bwamwe kyekisumuluzo ekibayingiza mubulamu obweyagaza. Kyemuva mutekedwa okumira edagala lyamwe obulungi."

Musa yagamba maama we "Kati ntegede bulungi lwaki ntekedwa okumira edagala lyange! Lino edagala liyamba nyo obusirikale bwaffe awo nabwo nebutukuuma nga tuli basanyufu era nga tetuli balwade."



”Musule bulungi baana bange. Obusirikale bwamwe era bugya bakuuma ekiro!” Maama yagyako etaala Musa ne Maria bebake ekiro.”





OUR little SOLDIERS